

Augustine Tamale

# Abaaguzannyako tubafeeko bafune mu kitone kyabwe

EKIBIINA kya Former Footballers' Initiative (FFI) ekigatta abaaguzannyako kikoze kinene mu kuyamba ezaali emmunyeenye za Uganda mu kucanga akapiira.

Abamu babadde n'enddwadde ezandibaviiriddeko okufa mu bwangu ate abalala ebizibu bibasudde eddalu ne batwalibwa mu malwaliro ne babudaabudibwa nga babazimbira amayumba n'okubatandikirawo emirimu.

Gye buvuddeko baatandiseewo n'ekibiina ky'obwegassi nga kitereka n'okuwola ssente (SACCO). Kigenda kuyamba okubasakira ssente beewole batandike emirimu egigenda okubayamba n'okubateekamu empisa y'okutereka. Balina n'enteekateeka nnyingi ze basuubira okwanjula gye mu maaso awo.

Olw'obufunda bw'ensawo, waliwo bangi abatatuukiddwaako. Abamu baali batendesi oba bazannyi. Abantu babuuza mu Bukedde, nti munnamizannyo gundi yadda wa era akola ki? Bw'ogenda okunoonyereza, abamu kati bali mu mbeera mbi nnyo nga bayinza n'okulwala emitwe. Teri abafaako era bawuubadde nnyo. Nsaba twanguwe okubanoonya kuba embeera erabika okuddamu okusajjuka.

Essira nditadde ku ba mupiira, naye waliwo n'abeemizannyo emirala bangi abali mu kuyagga nga bayinza n'okufuna obuzibu obunene ate ne tubasaasaannyizzaako ssente empitirivu nga tubajjanjabisa. Tusale amagezi ng'ekiwundu tekinnasamba ddagala. Ekirala, tutandike okuyiiya entereka ya ssente zaabwe ez'obukadde nga bakyalimu mizannyo.

Abadukannya emizannyo wamu ne kiraabu mwanguwe okukwatagana ne National Social Security Fund (NSSF) ssaako ne Insurance Companies. Mujja kusobola okussaawo ebittavvu by'obulamu bw'ekikadde ebigundiivu ebinaajuna bannamizannyo twewale embeera embi eriwo kati.

tagustinerev@gmail.com
0772419501 (eri ku WhatsApp)